# OLUBEREBERYE

## 1. Creation

**Olubereberye 1, 2:1-3, 7, 18, 21-25**

Olubereberye 1
1 Olubereberye Katonda yatonda eggulu n'ensi. 2 Ensi yali njereere nga yeetabuddetabudde; n'ekizikiza
kyali kungulu ku buziba: omwoyo gwa Katonda ne gumaamira kungulu ku mazzi. 3 Katonda n'ayogera nti,
Wabeewo obutangaavu. Ne wabaawo obutangaavu. 4 Katonda n'alaba nga kirungi: Katonda n'ayawula
wakati mu butangaavu n'ekizikizza. 5 Katonda obutangaavu n'abuyita emisana, n'ekizikiza n'akiyita ekiro.
Nebuba akawungeezi, ne buba enkya, olwo lwe lunaku olumu.
6 Katonda n'ayogera nti, Wabeewo abbanga wakati mu mazzi, lyawulenga amazzi n'amazzi. 7
Katonda n'assaawo ebbanga n'ayawula amazzi agali wansi w'ebbanga n'amazzi agali waggulu mu bbanga:
bwe kityo bwe kyali. 8 Katonda ebbanga n'aliyita eggulu. Ne bba akawungeezi, ne buba enkya, olwo lwe
lunaku olw'okubiri.
9 Katonda n'ayogera nti, Amazzi agali wansi w'ggulu gakuŋŋaanire mu kifo kimu, olukalu
lulabike: bwe kityo bwe kyali. 10 Katonda olukalu n'aluyita ensi; n'ekkuŋŋaaniro ly'amazi n'aliyita
ennyanja: Katonda n'alaba nga kirungi. 11 Katonda n'ayogera nti, ensi emere ebimeera, omuddo ogubala
ensigo, omugw'ebibala, ogubala mu ngeri yaagwo, ku nsi: bwe kityo bwe kyali. 12 Ensi n'emera ebimera,
omuddo ogubala ensigo mu ngeri yaagwo, n'omuti ogubala ebibala, ogulimu ensigo yaagwo, mungeri
yaagwo: Katonda n'akiraba nga kirungi. 13 Ne buba akawungeezi, ne buba enkya, olwo lwe lunaku
olw'okusatu.
14 Katonda n'ayogera nti, Wabeewo ebyaka mu bbanga ery'eggulu; byawulenga emisana n'ekiro,
bibenga ng'obubonero, n'ebiro, n'ennaku n'emyaka: 15 Bibenga ng'ettabaaza mu bbanga ery'eggulu bakenga
ku nsi: bwe kityo be kyali. 16 Katonda n'akola ebyaka bibiri ebinene; ekyaka ekisinga obunene okufuganga
emisana, n'ekyaka ekitono okufuganga ekiro: era n'emmunyeenye. 17 Katonda n'abiteeka mu bbanga
ery'eggulu byakenga ku nsi, 18 bifugenga emisana n'ekiro, era byawulenga obutangaavu n'elizikiza:
Katonda n'akirabanga kirungi. 19 Ne buba akawungeezi, ne buba enkya, olwo lwe lunaku olw'okuna.
20 Katonda n'ayogera nti, Amazzi gazaale ebyewalula bingi ebirina obulamu, era n'ebibuuka
bibuuke ku nsimu bbanga ery'eggulu. 21 Katonda n'atonda balukwata abanene, na buli ekirina obulamu
ekyewalula, amazzi kye gaazaala mu ngei zaabyo, na buli ekibuuka ekirina ebyona mu ngeri yaakyo:
Katonda n'akirabanga kirungi. 22 Katonda n'abiwa omukisa n'ayongera nti, Mweyongere mwale, mujjuze,
amazzi ag'omu nnyanja, era n'ebibuuka byeyongere mu nsi. 23 Ne buba akawungeezi, ne buba enkya, olwo
lwe lunaku olw'okutaano.
24 Katonda n'ayogera nti, Ensi ereete ekirina obulamu mu ngeri yaakyo, ente, n'ekyewalula,
n'ensolo y'ensi mu ngeri yaayo: bwe kityo bwe kyali. 25 Katonda n'akola ensolo y'ensi mu ngeri yaayzo,
n'ente mu ngeri yaazo, na buli ekyewalula ku nsi mu ngeri yaakyo: Katonda n'akiraba nga kirungi. 26
Katonda n'ayogera nti, Tukole omuntu mu ngeri yaffe, mu kifaanyi kyaffe: bafugenga eby'omu nnyanja
n'ebibuuka waggulu, n'ente, n'ensi yonna, na buli ekyewalula ku nsi. 27 Katonda n'atonda omuntu mu ngeri
ye, mu ngeri ya Katonda mwe yamutondera; omusajja n'omukazi bwe yabaonda.
28 Katonda n'abawa omukisa, Katonda n'abangamba nti, Mweyongerenga, mwalenga, mujjuze ensi,
mugirye: mufugenga eby'omu nnyanja, n'ebibuuka waggulu, nabuli ekirina obulamu ekitambula ku nsi. 29
Katonda n'ayogera nti, Laba, mbawadde omuddo gwonna ogubala ensigo, oguli ku nsi yonna, na buli muti
ogulimu, ekibala ky'omuti ogubala ensigo eri mmwe; gunaabanga mmere. 30 n'eri buli enolo ey'oku nsi, na
buli ekibuuka waggulu, na buli ekyewalula ku nsi, ekirimu mukka omulamu, ngiwadde omuddo gwonna
omubisi okubeeranga emmere: bwe kityo bwe kyali. 31 Katonda n'alaba buli ky'akoze; era, laba, nga
kirungi. Ne buba akawungeezi ne buba, enkya, olwo lwe lunaku olw'omukaaga.

Olubereberye 2
1 Ne biggwa okukola eggulu n'ensi n'eggye lyabyo lyonna. 2 Katonda n'amalira ku lunaku olw'omusanvu
mu mirimu gye gye yakola; n'awummulira ku lunaku olw'omusanvu mu mirimu gye gyonna gye yakola. 3
Katona n'awa omukisa olunaku olw'omusanvu n'alutukuza: kubanga olwo lwe yawummuliramu mu mirimu
gye gyonna Katonda gye yatonda gye yakola.

*7 Mukama Katonda n'abumba omuntu, n'efuufu y'ensi, n’amufuuwamu mu nnyindo omukka
ogw’obulamu; omuntu n’afuuka omukka omulamu. *18 Mukama Katonda n'ayogera nti Si kirungi omuntu
okubeeranga yekka; n'amukolera omubeezi amusaanira.
21 Mukama Katonda n'aleetera omuntu otulo tungi, ne yeebaka; n'amuggyamu olubiriizi lumu,
n'azzaawo ennyama mu kifo kyalwo. 22 Mukama Katonda n'azimba olubiriizi, lw'aggye mu muntu, okuba
omukazi, n'amuleeta eri omuntu. 23 Omuntu n'ayogera nti Ono nno lye ggumba eriwdde mu magumba
gange, ye nnyama ewdde mu nnyama yange: naye anaayitibwanga mukazi, kubanga aggiddwa mu musajja.
24 Omusajja ky'anaavanga aleka kitaawe ne nnyina, ne yeetaba ne mukazi we: nabo banaabanga omubiri
gumu. 25 Bombi baali bwereere, omusajja ne mukazi we, so tebaakwatibwa nsonyi.

## 2. The Fall into Sin
### Olubereberye 2:8-10, 16-17& 3:1-23

Olubereberye 2
8 Mukama Katonda n’asimba olusuku mu Adeni ku luuyi olw’ebuvanjuba; n’ateeka omwo omuntu gwe
yabumba. 9 Mukama Katonda n’ameza mu nsi buli muti ogusanyusa amaaso, omulungi okulya; n’omuti
ogw’obulamu wakati mu lusuku, n’omuti ogw’okumanya obulungi n’obubi. 10 Omugga ne gusibuka mu
Adeni okufukiriranga amazzi mu lusuku; ne gwawukanamu ne gufuuka emitwe ena.
16 Mukama Katonda n’alagira omuntu n’amugamba nti Buli muti ogw’omu lusuku olyangako nga
bw’onooyagalanga: 17 naye omuti ogw’okumanya obulungi n’obubi togulyangako: kubanga olunaku
lw’oligulyako tolirema kufa.

Olubereberye 3
1 N’omusota gwali mukalabakalaba okusinga ensolo zonna ez’omu nsiko, ze yakola Mukama Katonda. Ne
gugamba omukazi nti Bw’atyo bwe yayogera Katonda nti Temulyanga ku miti gyonna egy’omu lusuku? 2
Omukazi n’agamba omusota nti Ebibala by’emiti egy’omu lusuku tulya; 3 wabula ebibala by’omuti oguli
wakati mu lusuku, Katonda yayogera nti Temugulyangako newakubadde okugukwatangako muleme okufa.
4 Omusota ne gugamba omukazi nti Okufa temulifa. 5 Kubanga Katonda amanyi nti olunaku lwe
muligulyako mmwe, amaaso gammwe lwe galizibuka, nammwe muliba nga Katonda okumanyanga
obulungi n’obubi. 6 Omukazi bwe yalaba ng’omuti mulungi okulya, era nga gusanyusa amaaso, n’omuti
nga gwa kwegombebwa okuleeta amagezi, n’anoga ku bibala byagwo n’alya, n’awa era ne ku musajja we
naye n’alya. 7 Amaaso gaabwe bombi ne gazibuka ne beetegeera nga baali bwereere; ne batunga amalagala
g’emiti ne beekolera obyokwambala. 8 Ne bawulira eddoboozi lya Mukama Katonda ng’atambula mu
lusuku mu kiseera eky’empewo: omusajja ne mukazi we ne beekweka mu maaso ga Mukama Katonda
wakati mu miti egy’omu lusuku. 9 Mukama Katonda n’ayita omusajja n’amugamba nti Oli luuyi wa? 10
N’ayogera nti Mpulidde eddoboozi lyo mu lusuku, n’entya, kubanga mbadde bwereere; ne nneekweka. 11
N’ayogera nti Ani eyakubuulira nti obadde bwereere? Olidde ku muti gwe nnakulagira obutagulyangako?
12 Omusajja n’ayogera nti Omukazi, gwe wampa okubeeranga nange, ye ampadde ku muti, ne ndya. 13
Mukama Katonda n’agamba omukazi nti Kiki kino ky’okoze? Omukazi n’ayogera nti Omusota
gunsenzesenze, ne ndya. 14 Mukama Katonda n’agamba omusota nti Kubanga okoze kino, okolimiddwa
ggwe okusinga ensolo ez’omu nnyumba zonna, n’okusinga buli nsolo ey’omu nsiko; onoota mbuzanga
olubuto, onoolyanga enfuufuu ennaku zonna ez’obulamu bwo: 15 nange obulabe n’abuteekanga wakati wo
n’omukazi, era ne wakati w’ezzadde lyo n’ezzadde ly’omukazi: (ezzadde ly’omukazi) lirikubetenta
omutwe, naawe oliribetenta ekisinziiro. 16 N’agamba omukazi nti Okwongera naakwongerangako obulumi
bwo n’okubeeranga kwo olubuto; mu bulumi mw’onoozaaliranga abaana; n’okwegomba kwo kunaabanga
eri musajja wo, naye anaakufuganga. 17 N’agamba Adamu nti Kubanga owulidde eddoboozi lya mukazi
wo, n’olya ku muti gwe nnakulagira nga njogera nti Togulyangako: ensi ekolimiddwa ku lulwo; mu
kutegana mw’onoggyanga ebyokulya ennaku zonna ez’obulamu bwo; 18 amaggwa n’amatovu
g’eneekuzaaliranga; naawe onoolyanga omuddo ogw’omu nnimiro. 19 Mu ntuuyo ez’omu maaso go
mw’onooliiranga emmere, okutuusa lw’olidda mu ttaka; kubanga omwo mwe waggibwa; kubanga oli
nfuufu ggwe, ne mu nfuufu mw’olidda. 20 Omusajja n’atuuma mukazi we erinnya lye Kaawa, kubanga ono
ye nnyina w’abo bonna abalamu. 21 Mukama Katonda n’akolera Adamu ne mukazi we ebyambalo
by’amaliba, n’abambaza.
22 Mukama Katonda n’ayogera nti Laba, omuntu afuuse ng’omu ku ffe, okumanyanga obulungi
n’obubi; kaakano, aleme okugolola omukono gwe okunoga ku muti ogw’obulamu, okulya okuwangaalanga
emirembe n’emirembe; 23 Mukama Katonda kyeyava amuggya mu lusuku Adeni, alimenga ettaka mwe

yaggibwa. 24 Bw'atyo n'agoba omuntu; n'azzaamu ebuvanjuba mu lusuku Adeni bakerubi, era n'ekitala
ekimyansa ekikyukakyuka okukuumanga ekkubo ery'omuti ogw'obulamu.

## 3. Cain and Abel

**Olubereberye 4:1-16**

Olubereberye 4

1 Adamu n'amanya Kaawa mukazi we; n'abeera olubuto, n'azaala Kayini, n'ayogera nti Mpeereddwa
omusajja eri Mukama. 2 Era nate n'azaala muganda we Abiri. Abiri n'aba musumba wa ndiga, naye Kayini
n'aba mulimi wa ttaka. 3 Awo ennaku bwe zaayitawo Kayini n'alyoka aleeta ebibala by'ettaka okubiwaayo
eri Katonda. 4 Abiri naye n'aleeta ku baana b'endiga ze ababereberye n'amasavu gaazo.Mukama n'akkiriza
Abiri ne ky'awaddeyo: 5 naye Kayini ne ky'awaddeyo teyamukkikiriza. Kayini n'asunguwala nnyo,
amaaso ge ne goonooneka. 6 Mukama n'agamba Kayini nti Kiki ekikusunguwaza? Era kiki ekikwonoonesa
amaaso go? 7 Bw'onookolanga obulungi, tokkirizibwenga? Bw'otokola bulungi, ekibi kituula ku luggi:
n'okwegomba kwe kunaabanga eri ggwe, naawe onoomufuganga. 8 Kayini n'ayogera ne Abiri muganda
we. Awo bwe baali nga bali mu nnimiro, Kayini n'alyoka agolokokera ku Abiri muganda we n'amutta. 9
Mukama n'agamba Kayini nti Aluwa Abiri muganda wo? N'ayogera nti Simanyi: nze mukuumi wa
muganda wange? 10 N'ayogera nti Okoze ki? Eddoboozi ly'omusaayi gwa muganda wo linkaabirira mu
nsi. 11 Kale kaakano okolimiddwa mu nsi, eyasamizza akamwa kaayo okuweebwa omusaayi gwa muganda
wo mu mukono gwo; 12 bw'onoolimanga ensi, okuva kaakano teekuwenga maanyi gaayo, mu nsi
onoobanga mmomboze era omutambuze. 13 Kayini n'agamba Mukama nti Okubonerezebwa kwange
tekuyinzika kugumiikirizibwa. 14 Laba, ongobye leero mu maaso g'ensi; era mu maaso go mwe
nneekwekanga; era naabanga momboze era omutambuze mu nsi; awo olulituuka buli alindaba, alinzita. 15
Mukama n'amugamba nti Buli alitta Kayini kyaliva awalanwa eggwanga emirundi omusanvu. Mukama
n'ateeka ku Kayini akabonero buli amulaba alemenga okumutta.

16 Kayini n'ava mu maaso ga Mukama, n'atuula mu nsi ya Enodi mu maaso ga Adeni.

## 4. Noah

**Olubereberye 6-9**

Olubereberye 6

*5 Mukama n'alaba obubi bw'omuntu nga bungi mu nsi, na buli kufumiitiriza kw'ebirowoozo eby'omu
mutima gwe nga kubi kwereere bulijjo. 6 Mukama ne yejjusa kubanga yakola omuntu mu nsi, n'anakuwala
mu mutima gwe. 7 Mukama n'ayogera nti Ndisangula omuntu gwe nnatonda, okuva mu nsi; okusookera ku
muntu, n'ensolo, n'eky'ewalulula n'ekibuuka waggulu; kubanga nejjusizza kubanga nabikola. 8 Naye Nuuwa
n'alaba ekisa mu maaso ga Mukama.

9 Kuno kwe kuzaala kwa Nuuwa. Nuuwa yali mutuukirivu, nga talina kabi mu mirembe gye:
Nuuwa n'atambulira wamu ne Katonda. 10 Nuuwa n'azaala abaana basatu, Seemu, Kaamu, ne Yafeesi.

*13 Katonda n'agamba Nuuwa nti Enkomerero ya buli ekirina omubiri etuuse mu maaso gange,
kubanga ensi ejjudde eddalu ku lwabwe; kale, laba, ndibazikiriza wamu n'ensi. *15 Bw'otyo bw'okolanga
emikono ebikumi bisatu obuwanvu bw'eryato, n'emikono ataano obugazi bwalyo, n'emikono asatu
obugulumivu bwalyo. 16 Osalangako ekituli ku lyato, era ng'omukono gumu bw'olimala waggulu;
n'omulyango gw'eryato oguteekanga mu mbiriizi zaalyo; okolanga eryato nga lirina ennyumba eya wansi,
n'ey'okubiri, n'ey'okusatu. 17 Nange, laba, nze ndireeta amataba ag'amazzi ku nsi, okuzikiriza ekirina
omubiri kyonna ekirimu omukka ogw'obulamu wansi w'eggulu; buli ekiri mu nsi kirifa. 18 Naye
ndiragaana endagaano yange naawe, oliyingira mu lyato, ggwe n'abaano bo, ne mukazi wo, n'abakazi
b'abaana bo wamu naawe. *21 Naawe weetwalire ku mmere yonna eriibwa, ogyekuŋŋaanyize; eriba
mmere gy'oli ggwe nabyo.

Olubereberye 7

1Mukama n'agamba Nuuwa nti Yingira ggwe n'ennyumba yo yonna mu lyato, kubanga nkulabye ng'oli
mutuukirivu mu maaso gange mu mirembe gino. *4 Kubanga oluvannyuma lw'ennaku omusanvu nze
nditonnyesa enkuba ku nsi ennaku amakumi ana emisana n'ekiro; nange ndisangula buli kinti ekiramu kye
nnakola okuva mu ttaka. 5 Nuuwa byonna n'abikola nga Katonda bwe yamulagira.

7 Nuuwa n'ayingira n'abaana be ne mukazi we n'abakazi b'abaana be awamu naye mu lyato
olw'amazzi g'amataba. 8 Mu nsolo ennongoofu, ne mu nsolo ezitali nongoofu, ne mu bibuuka, ne mu buli
ekyewalula ku nsi, 9 bibiri bibiri ne biyingira eri Nuuwa mu lyato ekisajja n'ekikazi nga Katonda bwe

yalagira Nuuwa. 10 Awo olwatuuka oluvannyuma lw’ennaku omusanvu ziri, amazzi ag’amataba ne gaba ku nsi. 11 Mu mwaka ogw’olukaaga og’wobulamu bwa Nuuwa, mu mwezi ogw’okubiri, ku lunaku olw’ekkumi n’omusanvu olw’omwezi, ku lunaku olwo ne zizibukuka ensulo zonna, ez’omu nnyanja ennene, n’edituli eby’omu ggulu ne bigguka. 12 Enkuba n’etonnyera ku nsi ennaku amakumi ana emisana n’ekiro.

*17 Amataba ne gabeeraku nsi ennaku amakumi ana; amazzi ne geeyongera ne gasitula eryato, ne liwanikibwa waggulu w’ensi. *21 Buli nnyama etambula ku nsi n’efa, ekibuuka, n’ente, n’ensolo, na buli ekyewalula ku nsi, na buli muntu yenna. *23b Nuuwa n’asigalawo yekka, n’abo abaali awamu naye mu lyato.

Olubereberye 8
*3-4 Amazzi ne gadda okuva ku nsi obutayosa: ne gaweebuuka amazzi oluvannyuma ennaku ekikumi mu ataano bwe zaayitawo. 4 Mu mwezi ogw’omusanvu, ku lunaku olw’ekkumi n’omusanvu olw’omwezi eryato ne lituula ku nsozi za Alalati.

*6 Awo oluvannyuma lw’ennaku amakumi ana Nuuwa n’asumulula ekituli eky’eryato kye yakola. 8 N’atuma ejjiba okuvaw’ali alyoke alabe ng’amazzi gaweebuuse kungulu ku nsi. 9a naye ejjiba teryalaba bbanga wa kuwummuza ekigere kyalyo, ne likomawo gy’ali mu lyato, kubanga amazzi gaali kungulu ku nsi yonna: *10 N’ayosaawo ennaku musanvu nate, nate n’atuma ejiiba okuvu mu lyato; 11 ejjiba ne likomawo olw’eggulo mw’ali; laba, mu kamwa kaalyo ne muba akalagala akabisi ak’omuzeeyituuni: Nuuwa n’alyoka amanya nti amazzi gasweebuuse okuva ku nsi. 12 N’ayosaawo ennku musanvu nate; n’atuma ejiiba; awo oluvannyuma teryakomawo nate gy’ali.

*14 Mu mwezi ogw’okubiri, ku lunaku olw’amakumi abiri mu musanvu olw’omwezi, ensi n’ekalira. 15 Katonda n’agamba Nuuwa nti 16 Va mu lyato, ggwe, ne mukazi wo, n’abaana bo, n’abakazi b’abaana bo awamu naawe.17 Ofulumye wamu naawe buli kiramu ekiri awamu naawe mu buli nnyama yonna, ekibuuka n’ente na buli ekyewalula ku nsi; bizaalenga bibune mu nsi, byalenga byeyongerenga ku nsi. *20 Nuuwa n’azimbira Mukama ekyoto; n’alonda ku nsolo zonna ennongoofu, ne ku bibuuka byonna ebirongoofu, n’aweerayo ebiweebwayo ebyokebwa ku kyoto. 21 Mukama n’awulira evvumbe eddungi; Mukama n’ayogera mu mutima gwe nti Ensi sikyagikolimira nate oluvannyuma ku lw’omuntu; kubanga okulowooza okw’omu mutima gw’omuntu kubi okuva mu buto bwe; so sikya kuba nate oluvannyuma buli kiramu, nga bwe nkoze.

Olubereberye 9
*13 nteeka musoka wange ku kire, era anaabanga kabonero ak’endagaano gye ndagaanye n’ensi. *7 Nammwe mwalenga, mweyongerenga; muzaalenga nnyo ku nsi, mweyongerenga omwo.

## 5. The Call of Abraham

**Olubereberye 12:1-8, 15:1-6**

Olubereberye 12
1 Awo Mukama n'agamba Ibulaamu nti Va mu nsi ya nnyo, era awali ekika kyo, n'ennyumba ya kitaawo, oyingire mu nsi gye ndikulaga:
2 nange ndikufuula eggwanga eddene, era naakuwanga omukisa, era naakuzanga erinnya lyo; era beeranga mukisa ggwe:
3 nange naabawanga omukisa abanaakusabiranga ggwe omukisa, n'oyo anaakukolimiranga naamukolimiranga nze; ne mu ggwe ebika byonna eby'omu nsi mwe biriweerwa omukisa.
4 Bw'atyo Ibulaamu n'agenda, nga Mukama bwe yamugamba; ne Lutti n'agenda naye: Ibulaamu yali yaakamaze emyaka nsanvu mu etaano bwe yava mu Kalani.
5 Ibulaamu n'atwala Salaayi mukazi we, ne Lutti omwana wa muganda we, n'ebintu byabwe byonna bye baali bakua ŋŋaanyizza; n'abantu be baafuniramu Kalaani; ne bavaayo okuyingira mu nsi ya Kanani; ne bayingira mu nsi ya Kanani.
6 Ibulaamu n'ayita mu nsi n'atuuka mu kifo kya Sekemu, awali omuvule gwa Mmoole. Era Omukanaani yali mu nsi mu biro ebyo.
7 Mukama n'alabikira Ibulaamu, n'ayogera nti Ezzadde lyo ndiriwa ensi eno: n'azimbira eyo ekyoto eri Mukama eyamulabikira.
8 N'avaayo n'agenda awali olusozi ku luuyi olw'ebuvanjuba olw'e Beseri, n'asimba eweema ye, e Beseri nga kiri ku luuyi olw'ebugwanjuba, ne Ayi ku luuyi olw'ebuvanjuba: n'azimbira eyo ekyoto eri Mukama, n'akaabira erinnya lya Mukama.

Olubereberye 15
1 Oluvannyuma lw'ebyo ekigambo kya Mukama ne kijjira Ibulaamu mu kwolesebwa, nga kyogera nti Totya, Ibulaamu: nze ngabo yo, n'empeera yo ennene ennyo.
2 Ibulaamu n'ayogera nti Ai Mukama Katonda, onompa ki, kubanga ntambula nga sirina mwana, naye alirya ennyumba yange ye Ddamesiko Erieza?
3 Ibulaamu n'ayogera nti Laba, nze tompadde zadde: era, laba, eyazaalirwa mu nnyumba yange ye musika wange.
4 Era, laba, ekigambo kya Mukama ne kimujjira, nga kyogera nti Omuntu oyo taliba musika wo; naye aliva mu ntumbwe zo ggwe ye aliba omusika wo.
5 N'amufulumya ebweru, n'ayogera nti Tunuulira eggulu kaakano, obale emmunyeenye, bw'onooyinza okuzi6ala: n'amugamba nti Ezzadde lyo bwe liriba bwe lityo.
6 N'akkiriza Mukama; n'akumubalira okuba obutuukirivu.
**@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@**

## 6. The Birth of Isaac
**Olubereberye 16-21**

Olubereberye 16
1 Salaayi, mukazi wa Ibulaamu, n'atamuzaalira baana: era yalina omuzaana, Omumisiri, erinnya lye Agali.
2 Salaayi n'agamba Ibulaamu : nti Laba nno, Mukama anziyizza okuzaalanga; nkwegayiridde, yingira eri omuzaana wange, mpozzi ndifuna abaana mu ye. Ibulaamu n'awulira eddoboozi lya Salaayi.

3 Salaayi, mukazi wa Ibulaamu, n'atwala Agali, Omumisiri, muzaana we, Ibulaamu bwe yali yaakamaze
emyaka ekkumi okutuula mu nsi ya Kanani, n'amuwa Ibulaamu musajja we okuba mukazi we. 4 N'ayingira
eri Agali, naye n'aba olubuto: awo bwe yalaba ng'ali lubuto, mugole we n'anyoomebwa mu maaso ge.

15 Agali n'azaalira Ibulaamu omwana; Ibulaamu n'atuuma omwana we, Agali gwe yazaala, erinnya lye
Isimaeri. 16 Ibulaamu yali yaakamaze emyaka kinaana mu mukaaga, Agali bwe yazaalira Ibulaamu Isimaeri.

Olubereberye 17
1 Awo Ibulaamu bwe yali yaakamaze emyaka kyenda mu mwenda, Mukama n'alabikira Ibulaamu, n'amugamba nti Nze Katonda Omuyinza w'ebintu byonna; tambuliranga mu maaso gange, obeerenga
mutuukirivu. 2 Nange ndiragaana endagaano yange nze naawe, era ndikwaza nnyo.

3 Ibulaaruu n'avuunama amaaso ge: Katonda n'ayogera naye nti 4 Nze, laba, endagaano yange eri naawe,
naawe oliba kitaawe w'amawanga amangi. 5 So tokyayitibwanga nate erinnya lyo Ibulaamu, naye erinnya
lyo linaabanga Ibulayimu; kubanga nkufudde kitaawe w'amawanga amangi. 8Era ndikuwa ggwe n'ezzadde lyo eririddawo ensi gye watambulirangamu, ensi yonna eya Kanani, okugirya emirembe gyonna; era nze, naabeeranga Katonda waabwe. 10 Eno ye ndagaano yange, gye munaakwatanga, eri nze namatwe
n'ezzadde lyo eririddawo; buli musajja mummwe anaakomolwanga.

15 Katonda n'agamba Ibulayimu nti Salaayi mukazi we, tokyamuyita erinnya lye Salaayi, naye Saala lye
linaabanga erinaya lye. 16 Nange ndimuwa omukisa, era nate ndikuwa omwana mu ye: weewaawo,
ndimuwa omukisa, naye aliba nnyina w'amawanga; bakabaka b'abantu baliva mu ye.

17 Ibulayimu n'alyoka avuunama amaaso ge, n'aseka, n'ayogera mu mutima gwe nti Omwana alizaalirwa
oyo eyaakamaze emyaka ekikumi? era ae Saala, eyaakamaze emyaka ekyenda, alizaala? 18 Ibulayimu
n'agamba Katonda nti Singa Isimae
ri anaabanga mulamu mu maaso go! 19 Katonda n'ayogera nti Nedda, naye Saala mukazi wo alikuzaalira omwana; naawe olimutuuma erinnya lye Isaaka: naage naanywezanga endagaano yange naye okuba endagaano eteridiba eri ezzadde lye eririddawo.

Olubereberye 18
1 Mukama n'amulabikira awali emivule gya Mamule, bwe yali ng'atudde mu mulyango mu ttuntu; 2 n'ayimusa amaaso ge n'atunula, era, laba, abasajja basatu nga bayimiridde mu maaso ge: awo bwe yabalaba, n'ava mu mulyango gw'eweema n'adduka mbiro okubasisinkana, n'avuunama,
@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@
@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@
6-8 *Abraham welcomed the men and hurried to prepare them a meal*

9 Ne bamugamba nti Ali ludda wa Saala mukazi wo? N'ayogera nti Laba, ali mu weema. 10 N'ayogera nti Sirirema kukomawo w'oli ekiseera bwe . kiridda; era, laba, Saala mukazi wo alizaala omwana ow'obulenzi. Saala n'awulira mu mulYango gw'eweema, eyali ennyuma we. 11 Ibulayimu ne Saala baali bakaddiye, era nga bayitiridde obukadde; so nga Saala takyabeera ng'empisa ey'abakazi bw'eri. 12 Saala n'aseka munda ye, ag'ayogera nti Nga mmaze okukaddiwa ndisanyuka, era ne mukama wange ng'akaddiye?

13 Mukama n'agamba Ibulayimu nti Kiki ekimusesezza Saala, ng'ayogera nti Mazima ndizaala omwana nga nkaddiye? 14 Waliwo ekirema Mukama? Mubiro ebyateekebwawo ndikomawo w'oli, ekiseera bwe kiridda, ne Saala alizaala omwana ow'obulenzi. 15 Saala n'alyoka yeegaana, ng'ayogera nti Sisese: kubanga yatya: N'ayogera nti Nedda; naye okuseka osese.

Olubereberye 21
1 Mukama n'ajjira Saala nga bwe yayogera, era Mukama n'akola Saala nga bwe yagamba. 2 Saala n'aba olubuto, n'azaalira Ibulayimu omwana ow'obulenzi ng'akaddiye, mu biro ebyo ebyateekebwawo Katonda bye yamugambako. 3 lbulayimu n'atuuma omwana we eyamuzaalirwa, Saala gwe yamuzaalira, erinnya lye Isaaka. 4 Ibulayimu n'akomola omwana we Isaaka nga yaakamaze ennaku munaana, nga Katonda bwe yamulagira. 5 Era Ibulayimu yali yaakamaze emyaka kikumi, omwana we Isaaka bwe yamuzaalirwa.

6 Katonda n'ayogera nti, Wabeewo abbanga wakati mu mazzi, lyawulenga amazzi n'amazzi. 7 N'ayogera nti Aluwa oyo eyandigambye Ibulayimu nga Saala aliyonsa abaana be? kubanga mmuzaalidde omwana ow'obulenzi ng'akaddiye.

## 7. Abraham's Faith Tested
### Olubereberye 22

Olubereberye 22
1 Awo oluvannyuma lw'ebyo, Katonda n'akema Ibulayimu, n'amugainba nti Ibulayimu; n'ayogera nti Nze nzuuno.
2 N'ayogera nti Twala kaakano omwana wo, omwana wo omu, gw'oyagala, ye Isaaka, ogende mu nsi Moliya; omuweere eyo okuba ekiweebwayo ekyokebwa ku lumu ku nsozi lwe ndikugambako.
3 Ibulayimu n'agolokoka enkya mu makya, n'assa amatandiiko ku ndogoyi ye, n'atwala babiri ku bavubuka be, ne Isaaka omwana we; n'ayasa enku ez'ekiweebwayo ekyokebwa, n'agolokoka, n'agenda mu kifo Katonda kye yamugambako.
4 Ku lunaku olw'okusatu Ibulayimu n'ayimusa amaaso ge, n'alengera ekifo.
5 Ibulayimu n'agamba abawbuka be nti Mubeere mmwe wano n'endogoyi; nange n'omulenzi tunaagenda wali; ne tusinza, ne tudda gye muli.
6 Ibulayimu n'atwala enku ez'ekiweebwayo ekyokebwa, n'azitikka Isaaka omwana we; n'atwala omuliro n'akambe mu ngalo ze; ne bagenda bombi wamu.
7 Isaaka n'agamba Ibulayimu kitaawe nti Kitange: n'ayogera nti Nze nzuuno; mwana wange. N'ayogera nti Laba, omuliro n'enku (biibino): naye guluwa omwana gw'endiga ogw'ekiweebwayo ekyokebwa?
8 Ibulayimu n'ayogera nti Katonda 'aneefunira omwana gw'endiga ogw'ekiweebwayo ekyokebwa, mwana wange: kale ne bagenda bombi.
9 Ne batuuka mu kifo Katonda we yamugamba; Ibulayimu n'azimbira eyo ekyoto, n'atindikira enku, n'asiba Isaaka omwana we, n'amugalamiza ku Kyoto, ku nku.
10 Ibulayimu n'agolola omukono gwe, n'addira akambe okutta omwana we.
11 Ne malayika wa Mukama n'amukoowoola ng'ayima mu ggulu, n'ayogera nti Ibulayimu, Ibulayimu: n'ayogera nti Nze nzuuno.

12 N'ayogera nti Tossa mukono gwo ku mulenzi, so tomukolako kantu: kubanga kaakano ntegedde ng'otya Katonda, kubanga tonnyimye mwana wo, omwana wo omu.
13 Ibulayimu n'ayimusa amaaso ge, n'atunula, era, laba, ennyuma we endiga ensajja, ng'ekwatiddwa mu kisaka n'amayembe gaayo: Ibulayimu n'agenda n'atwala endiga, n'agiwaayo okuba ekiweebwayo ekyokebwa mu kifo ky'omwana we.
14 Ibulayimu n'atuuma ekifo kiri erinnya lyakyo Yakuwayire: nga bwe kyogerwa ne leero nti ku lusozi lwa Mukama kirirabwa.
15 Ne malayika wa Mukama n'ayita Ibulayimu omulundi ogw'okubiri ng'ayima mu ggulu,
16 n'ayogera nti Nneerayidde nzekka, bw'ayogera Mukama, kubanga okoze bw'otyo, n'oconnyima mwana wo, omwana wo omu:
17 okukuwa omukisa' naakuwanga omukisa, n'okwongera naakwongerangako ezzadde lyo ng'emmunyeenye ez'omu ggulu, ng'omusenyu oguli ku ttale ly'ennyanja; era ezzadde lyo balirya omulyango ogw'abalabe baabwe;
18 era mu zzadde lyo amawanga gonna ag'omu nsi mwe galiweerwa omukisa; kubanga owulidde eddoboozi lyange.
19 Awo Ibulayimu n'addayo eri abavubuka be, ne bagolokoka ne bagenda bonna wamu e Beeruseba; Ibulayimu n'atuulanga mu Beeruseba.

## 8. Jacob and Esau: Promise and Covenant

**Olubereberye 25:19-34**

Olubereberye 25
19 N'okuzaala kwa Isaaka, omwa-i na wa Ibulayimu, kwe kuno: Ibulayimu yazaala Isaaka:

21 Isaaka ne yeegayiririra Mukama mukazi we, kubanga yali mugumba: Mukama n'awulira okwegayirira
kwe, ne Lebbeeka mukazi we n'aba olubuto. 22 Abaana ne bawakanira mu nda ye; n'ayogera nti Bwe kiri
bwe kityo, kyenva mbeera, omulamu kiki? N'agenda okubuuza Mukama.

> 23 Mukama n'amugamba nti,
> Amawanga abiri gali mu lubuto lwo.
> N'ebika ebibiri biryawukana n'okuva mu byenda byo:
> N'eggwanga erimu linaasinganga eggwanga eddala amaanyi;
> N'omukulu anaaweerezanga omuto.

24 Awo ennaku ze bwe zaatuukirira okuzaala, laba ne baba abalongo mu lubuto lwe. 25 N'omubereberye
n'avaamu nga mumyufu, omubiri gwe gwonna nga gufaanana ekyambalo eky'ebyoya: ne bamutuuma
erinnya lye Esawu. 26 Muganda we n'amuddirira n'avaamu, omukono gwe nga gukutte ekisinziiro kya
Esawu; n'erinnya lye ne bamutuuma Yakobo: era Isaaka yali yaakamaze emyaka nkaaga, mukazi we bwe
yabazaala.

27 Abalenzi ne bakula: Esawu n'abanga omuyizzi ow'amagezi, omusajja ow'omu nsiko; ne Yakobo yali
musajja muteefu, eyatuulanga mu weema. 28 Era Isaaka n'ayagala Esawu, kubanga yalyanga ku muyiggo
gwe: ne Lebbeeka n'ayagala Yakobo.

29 Yakobo n'afumba omugoyo: Esawu n'ayingira ng'a vudde mu nsiko, ng'akooye nga talina maanyi: 30
Esawu n'agamba Yakobo nti Ndiisa, nkwegayirira, omugoyo ogwo omumyufu; kubanga sirina maanyi:
erinnya lye kye lyava liyitibwa Edomu.

31 Yakobo n'ayogera nti Nguza leero eby'obukulu bwo.

32 Esawu n'ayogera nti Laba, mbulako katono iokufa: n'eby'obukulu biringasa bitya?

33 Yakobo n'amugamba nti Ndayirira leero; n'amulayirira: n'aguza Yakobo eby'obukulu bwe.

34 Yakobo n'awa Esawu emmere n'omugoyo gw'ebijanjaalo; n'alya, n'anywa, n'agolokoka, ne yeegendera: bw'atyo Esawu n'anyooma eby'obukulu bwe.

## 9. Joseph Sold into Egypt

**Olubereberye 37:3-11, 18-34, 39:1-6**

Olubereberye 37

1 Yakobo n'abeeranga mu nsi kitaawe mwe yatuulanga mu nsi ya Kanani.
2 Okuzaala kwa Yakobo kuukuno. Yusufu bwe yali yaakamaze emyaka kkumi na musanvu, yali alunda
ekisibo awamu ne baganda be: omulenzi n'abanga wamu n'abaana ba Bira, n'abaana ba Zirupa, abakazi ba
kitaawe: Yusufu n'abuuliranga lutaabwe ebigambo byabwe ebibi.
3 Era Isiraeri yayagala Yusufu okusinga abaana be bonna, kubanga gwe yazaala ng'akaddiye: n'amutungira
ekizibawo eky'amabala amangi.
4 Baganda be ne balaba nga kitaawe yamwagala okusinga baganda be bonna; ne bamukyawa, ne batayinza
kwogera naye wabula eby'okuyomba.
5 Yusufu n'aloota ekirooto, n'akibuulira baganda be: ne beeyongera nate okumukyawa.
6 N'abagamba nti Mbeegayiridde, muwulire ekirooto kino kye ndoose:
7 kubanga, laba, twali tusiba ebinywa mu nnimiro, era laba, ekinywa kyange ae kiyimirira, era ne
kyesimba; era, laba, ebinywa bwammwe ne bijja ne bikyetooloola, ne bivuunamira ekinywa kyange.
8 Baganda be ne bamugamba nti Okufuga olitufuga ggwe? oba kutwala. olitutwala ggwe? Ne beeyongera
aate okumukyawa olw'ebirooto bye n'olw'ebigambo bye.
9 N'aloota nate ekirooto ekirala, n'akibuulira baganda be n'ayogera nti Laba, ndoose n'ekirooto ekirala; era,
laba, enjuba n'omwezi a'emmunnyeenye ekkumi n'emu ne binvuunamira.
10 N'akibuulira kitaawe ne baganda be; kitaawe n'amunenya, n'amugamba nti Kirooto ki kino ky'oloose?
Nze ne nnyoko ne lbaganda bo okujja tulijja okukuvuunamira?
11 Baganda be ne bamukwatirwa obuggya; naye kitaawe n'ajjukira ebyo bye yayogera.
18 Ne bamuleagera ng'akyali wala, ne bamwekobaana nga tannabasemberera okumutta.
19 Ne bagambagana nti Laba, sekalootera wuuyo ajja.
20 Kale nno mujje tumutte, tumusuule mu bumu ku bunnya, tulyogera nti Ensolo enkambwe ye yamulya:
ae tulyoka tulaba ebirooto bye bwe biriba.
21 Lewubeeni n'awulira ekyo, n'amuwonya mu mukono gwabwe; n'ayogera nti Tuleme okumuttira ddala.
22 Lewubeeni n'abagamba ati Temuyiwa musaayi; mumusuule mu bunnya buno obuli mu ddungu, naye
temumussaako mukono: alyoke amuwonye mu mukono gwabwe, okumuddiza kitaawe.
23 Awo olwatuuka, Yusufu bwe yatuuka eri baganda be, ne bambula Yusufu ekizibawo kye, ekizibawo
eky'amabala amangi kye yali ayambadde;
24 ne bamutwala ne bamusuula mu bunnya: n'obunnya bwali bukalu nga temuli mazzi.
25 Ne batuula okulya emmere: ne bayimusa amaaso gaabwe ne batunula, era, laba, ekibiina ky'Abaisimaeri
abaava mu Gireyaadi nga batambula, nga balina eŋŋamira ezeetisse eby'akaloosa n'envumbo ne moli, nga
babitwala mu Misiri.
26 Yuda n'agamba baganda be nti Kiritugasa kitya okutta muganda waffe n'okukisa omusaayi gwe?
27 Kale ttumuguze Abaisimaeri, so omukono gwaffe guleme okumubaako; kubanga ye muganda waffe,
gwe mubiri gwaffe. Baganda be ne bamuwulira.
28 Abamidiyaani, ab'obuguzi, ne bayitawo; ne bawalula Yusufu ne bamuggya mu bunnya, ne baguza
Abaisimaeri Yusufu ebitundu by'effeeza amakubi abiri. Ne batwala Yusufu mu Misiri:
29 Lewubeeni n'addayo eri obunnya; era, laba, Yusufu teyali mu bunnya; n'ayuzaayuza engoye ze.
30 N'addayo eri baganda be, n'ayogera nti Omwana taliiyo; nange ndigenda wa?
31 Ne baddira ekizibawo kya Yusufu, ne batta embuzi ennume, ne bannyika ekizibawo mu musaayi;
32 ne baweereza ekizibawo eky'amabala amangi, ne bakireetera kitaabwe; ne boogera nti Twalaba kino:
kaakano tegeera obanga kye kizibawo eky'omwana wo nantiki si kyo.
33 N'akitegeera, n'ayogera nti Kye kizibawo eky'omwana wange; ensolo embi yamulya; Yusufu
yataagulwataagulwa awatali kubuusabuusa.
34 Yakobo n'ayuzaayuza engoye ze, ne yeesiba ebibukutu mu kiwato, n'akungubagira omwana we ennaku
nnyingi.

Olubereberye 39

1 Yusufu ne bamuserengesa mu Misiri; Potifali, omwami wa Falaawo, omukulu w'abambowa, Omumisiri,
n'amugula mu mukono gw'Abaisimaeri, abaamuserengesa eyo.
2 Mukama n'aba wamu ne Yusufu, n'aba n'omukisa; n'abeera mu nnyumba ya mukama we Omumisiri.
3 Mukama we n'alaba nga Mukama ali naye, era nga Mukama amuwa buli kye yakola okuba n'omukisa mu
mukono gwe.

4 AYusufu n'alaba ekisa mu maaso ge, n'amuweereza: n'amufuula omulabirizi w'ennyumba ye, ne bye yali nabyo byonna n'abiteeka mu mukono gwe.
5 Awo olwatuuka bwe yamala okumufuula omulabirizi w'ennyumba ye, era owa byotma bye yalina, Mukama n'alyoka agiwa ennyumba ey'Omumisiri omukisa ku bwa Yusufu: omukisa gwa Mukama ne guba ku byonna bye ya lina, eby'omu nnyumba n'eby'omu nnimiro.
6 N'aleka byonna bye yalina mu mukono gwa Yusufu; n'atamanya kintu ekyali naye wabula emmere gye yalyanga. Era Yusufu yali mulungi, n'amaaso ge ga kusanyusa.

## 10. Joseph Reveals Himself to His Brothers

### Olubereberye 42-45

Olubereberye 42
1 Era Yakobo n’alaba nga mu Misiri eŋŋaano mweri,Yakobo n'agamba abaana be nti Kiki ekibatunuulizaganya mwekka na mwekka?
2 N'ayogera nti Laba, mpulidde nga mu Misiri eŋŋaano mweri: muserengete, mugendeyo, mutugulire eyo; tubeere abalamu, tuleme okufa.
3 Ne baganda ba Yusufu ekkumi ne baserengeta okugula eŋŋaano mu Misiri.
4 Naye Benyamini, muganda wa Yusufu, Yakobo n'atamutuma wamu ne baganda be; kubanga yayogera nti Mpozzi akabi kaleme okumubaako.
5 N'abaana ba Isiraeri ne bajja okugula mu abo abajja: kubanga enjala yali mu nsi ya Kanani.
6 Era Yusufu ye yali omukulu w'ensi; oyo ye yaguzanga abantu bonna ab'omu nsi: baganda ba Yusufu ne bajja, ne bamuvuunamira nga bawunzise amaaso wansi.
7 Yusufu n'alaba baganda be, n'abekkaanya, naye ne yeefuula nga munnaggwanga gye bali, n'ayogera nabo n'ebboggo; n'abagamba nti Muva wa? Ne boogera nti Mu nsi ya Kanani okugula emmere.

8 Yusufu ne yekkaanya baganda be, naye bo ne batamwekkaanya. 9 Yusufu n'ajjukira ebirooto bye yaloota
ku bo, n'abagamba nti Muli bakessi; muzze okulaba ensi bw'eteriimu. 10 Ne bamugamba nti Nedda,
mukama wange, naye abaddu bo bazze okugula emmere.  11 Fenna tuli baana b'omu; tuli ba mazima,
abaddu bo si bakessi n'akatono.  12 N'abagamba nti Nedda, naye muzze okulaba ensi bw'eteriimu.
13 Ne boogera nti He abaddu bo tuli ba luganda kkumi na babiri, abaana b'omu mu nsi ya Kanani; era, laba,
omwana wa boffe ali wamu ne kitaffe leero, n'omu taliiwo. 14 Yusufu n'abagamba nti Kye kiikyo kye
mbagambye nti Muli bakessi: 15 bwe mulikemebwa bwe muti: ndayidde obulamu bwa Falaawo,
temugenda kuva wano, wabula omwana wa bommwe ng'azze wano. 16 Mutume munnammwe omu, akime
muganda wammwe, nammwe mmunaasibibwa, ebigambo byammwe bikemebwe, oba nga amazima
mwegali mu mmwe: oba bwe mutaakole bwe mutyo, ndayidde obulamu bwa Falaawo, mazima muli
bakessi. 17 N'abateeka bonna wamu mu kkomera ennaku ssatu. 18 Yusufu n'abagamba ku lunaku
olw'okusatu nti Mukole bwe muti, mubeere abalamu; kubanga ntya Katonda:  19 oba nga muli ba mazima,
omu ku baganda bammwe asibibwe mu nnyumba ey'ekkomera lyammwe; naye mmwe mugende, mutwale
erltlaano olw'enjala ey'omu nnyumba zammwe;  20 era mundeetere omwana wa bommwe; ebigambo
byammwe bwe biritegeezebwa nga bya mazima bwe bityo, nammwe temulifa. Ne bakola bwe batyo.
*@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@*
*So Simeon remained in Egypt and the brothers returned home to bring grain to their starving families and they reported everything to their father Jacob.*

Olubereberye 43
1 Enjala n'eba nnyingi mu nsi.  2 Awo olwatuuka, bwe baamala okulya eŋŋaano yonna gye baggya mu
Misiri, kitaabwe n'abagamba nti Mugende nate, mutugulire akamere.  3 Yuda n'amugamba nti Omusajja
yatulayiririra ddala ng'ayogera nti Temuliraba maaso gange, wabula muganda wammwe ng'ali wamu
nammwe.  4 Bw'onoosindika muganda waffe awamu naffe, tunaaserengeta tulikugulira emmere:  9 Nze
naabeera omuyima we; olimuvunaana nze mu mukono gwange: bwe sirimuleeta gy'oli, ne mmuteeka mu
maaso go, omusango gube ku nze ennaku zonna:  10 kuba singa tetuludde, mazima kaakano twandibadde
nga tukomyewo omulundi ogw'okubiri.
11 Kitaabwe Isiraeri n'abagamba nti Oba nga kaakano kiri bwe kityo, mukole bwe muti; mutwale ku bibala eby'omu nsi ebisinga obuhmgi mu bintu byammwe, mutwalire omusajja ekirabo, enwmbo si nnyingi, n'omubisi gw'enjuki, omugaw n'obubaane, ebinywebwa n'endoozi: 13 era mutwale ne muganda wammwe,

mugolokoke, muddeyo eri omusajja:  14 era Kato lala ne Benyamini. Nange bwe ndifiirwa abaana bange, ndifiirwa.

15 Abasajja ne batwala ekirabo ekyo, ne batwala effeeza ebigero bibiri mu ngalo zaabwe, ne Benyamini; ne bagolokoka, ne baserengeta mu Misiri, ne bayimirira mu maaso ga Yusufu.  16 Yusufu bwe yalaba Benyamini ng'ali wamu nabo n'agamba omuwanika w'ennyumba ye nti Twala abasajja mu nnyumba, obabaagire, oteeketeeke; kubanga abasajja banaaliira wamu nange mu ttuntu.  17 Omusajja n'akola nga Yusufu bwe yalagira; omusajja n'atwala abasajja mu nnyumba ya Yusufu.  24 Omusajja n'atwala abasajja mu nnyumba ya Yusufu, n'abawa amazzi, ne banaaba ebigere byabwe; n'awa endogoyi zaabwe ebyokulya.  26 Awo, Yusufu bwe yadda eka, ne bamuleetera mu nnyumba ekirabo ekyali mu ngalo zaabwe, ne bamuvuunamira.  34 N'ababegerako ebitole (ku mmere) eyali mu maaso ge: naye ekitole kya Benyamini kyasinga ebyabwe byonna emirundi etaano. Ne banywa, ne basanyukira wamu naye.

Olubereberye 44
1 N'alagira omuwanika w'ennyumba ye, ng'ayogera nti jjuza ensawo ez'abasajja emmere, nga bwe bayinza okwetikka, era teeka effeeza eya buli muntu mu kamwa k'ensawo ye.  2 Era teeka ekikompe kyange, ekikompe ekya ffeeza, mu kamwa k'ensawo ey'omuto, n'effeeza ye ey'eŋŋaano. N'akola ng'ekigambo bwe kibadde Yusufu ky'ayogedde.
@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@
@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@
@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@
@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@@
*When the brothers had gone a short distance from the city, Joseph sent his steward to stop them.  After finding the cup in Benjamin's sack, the brothers returned to Joseph in great sorrow.  Joseph demanded that the one who had stolen the cup remain in Egypt as his servant and that the rest of the brothers could return home.*

18 Yuda n'alyoka amusemberera n'ayogera nti Ai mukama wange, nkwegayiridde, omuddu wo ayogere ekigambo mu matu ga mukama wange, so obusungu bwo buleme okubuubuukira omuddu wo: kubanga oliŋŋanga, Falaawo ddala.  30 Kale kaakano bwe ndijja eri omuddu wo kitange, n'omulenzi nga tali wamu naffe; kubanga obulamu bwe busibiddwa n'obulamu bw'omulenzi; 31 olulituuka bw'aliraba ng'omulenzi taliiwo, alifa: n'abaddu bo baliserengesa envi z'omuddu wo kitaabwe mu magombe olw'okunakuwala. 32 Kubanga omuddu wo ye yeeyimirira omulenzi eri kitange nga njogera nti Bwe sirimuleeta gy'oli, nze ndiba n'omusango eri kitange ennaku zonna. 33 Kale nno, nkwegayiridde, omuddu wo abeere wano mu kifo ky'omulenzi okuba omuddu wa mukama wange; n'omulenzi ayambukire wamu ne baganda be.

Olubereberye 45
1 Awo Yusufu n'alemwa okuzibiikiririza mu maaso g'abo bonna abayimiridde okumpi naye; n'ayogerera waggulu nti Mufulumye buli muntu bave gye ndi. Ne wataba muntu ayimiridde naye, Yusufu bwe yali yeeyoleka eri baganda be.  2 N'akaaba n'eddoboozi ddene: Abamisiri ne bawulira, n'ennyumba ya Falaawo n'ewulira.  3 Yusufu n'agamba baganda be nti Nze Yusufu; kitange akyali mulamu? Baganda be ne batayinza kumuddamu; kubanga beeraliikirira mu maaso ge.  4 Yusufu n'agamba baganda be nti Munsemberere, mbeegayiridde. Ne basembera. N'ayogera nti Nze Yusufu muganda wammwe, gwe mwatunda e Misiri.  5 Ne kaakano temunakuwala, so temwesunguwalira, kubanga mwantunda muno: kubanga Katonda ye yankulembeza mmwe okuwonya mu kufa.  6 Enjala yaakamaze mu nsi emyaka ebiri: era ekyasigaddeyo etaano, gye batagenda kulimiramu newakubadde okukungula.  7 Era Katonda ye yankulembeza mmwe okubawonyeza abalisigala ku mmwe mu nsi, n'okubalokola muleme okufa mu kuwonya okw'ekitalo. 8 Kale nno si mmwe mwansindika muno, wabula Katonda: era yanfuula kitaawe wa Falaawo, era omwami w'ennyumba ye yonna, era omukulu afuga ensi yonna ey'e Misiri: 9 Mwanguwe, mwambuke mugende eri kitange, mumugambe nti Omwana wo Yusufu bw'ayogera bw'ati nti Katonda yanfuula omwami w'e Misiri yonna : oserengete ojje gye ndi, tolwawo:  14 N'agwa muganda we Benyamini mu bulago n'akaaba amaziga; Benya_ mini n'akaabira mu bulago bwe.

## 11. The Call of Moses

**Okuva 3:1-14, 19-20; 4:1-5, 10-17**

Okuva 3

1Awo Musa yali ng'alunda ekisibo kya Yesero mukoddomi we, kabona w'e Midiyaani: n'atwala ekisibo ennyuma w'eddungu n'atuuka ku lusozi lwa Katonda Kolebu.
2 Malayika wa Mukama n'amulabikira mu lulimi lw'omuliro okuva wakati w'ekisaka: n'atunuulira, laba, ekisaka ekyo ne kyaka omuliro ekisaka ne kitasiriira.
3 Musa n'ayogera nti Ka nneekooloobye kaaka'ti, ndabe ekigambo kino ekikulu, ekisaka kyekivudde kirema okusiriira.
4 Mukama bwe yalaba nga yeekooloobezza okulaba, Katonda n'amuyita ng'ayima wakati w'ekisaka n'ayogera nti Musa, Musa. N'ayitaba nti Nze nzuuno.
5 N'ayogera nti Tosembera wano: ggyamu engatto zo mu bigere byo, kubanga ekifo ky'oyimiriddemu ye ensi entukuvu.
6 N'ayogera nate nti Nze ndi Katonda wa kitaawo, Katonda wa Ibulayimu, Katonda wa Isaaka, era Katonda wa Yakobo. Musa n'akweka amaaso ge: kubanga yatya okumutunuulira Katonda.
7 Mukama n'ayogera nti Ndabidde ddala okubonaabona okw'abantu bange abali mu Misiri, ne mpulira okukaaba kwabwe ku Iw'abo ababakoza; kubanga mmanyi ennaku zaabwe;
8 era nzise okubawonya mu mukono ogw'Abamisiri, okubalinnyisa okuva mu nsi eri bayingire mu nsi ennungi engazi, mu nsi ejjudde amata n'omubisi gw'enjuki; mu kifo eky'omu Kanani, n'eky'omu Kiiti, n'eky'omu Amoli, n'eky'omu Perizi, n'eky'omu Kiivi, n'eky'omu Yebusi.
9 Kale laba, okukaaba okw'abaana ba Isiraeri kutuuse gye ndi: nate ndabye okubonaabona kwe baababonyaabonya Abamisiri.
10 Kale nno jjangu, naakutuma eri Falaawo. obaggyeyo abantu bange abaana ba Isiraeri mu Misiri.
11 Musa n'agamba Katonda nti Nze ani agenda eri Falaawo mbaggyeyo abaana ba Isiraeri mu Misiri?
12 N'ayogera nti Mazima ndibeera wamu naawe; era kano kalikubeerera akabonero, nga nze nkurumye: bw'olimala okuggya abantu abo mu Misiri, muliweerereza Katonda ku lusozi luno.
13 Musa n'agamba Katonda nti Laba, bwe ndigenda nze eri abaana ba Isiraeri, ne mbagamba nti Katonda wa bajjajja bammwe yantumye eri mmwe; nabo balyogera nti Erinnya lye ye ani? ndibagamba ntya?
14 Katonda n'agamba Musa nti NINGA BWE NDI: n'ayogera nti Bw'otyo bw'olibagamba abaana ba Isiraeri nti NDI ye antumye eri mmwe.
19 Era mmanyi nti kabaka w'e Misiri talibalagira kugenda, weewaawoeran'omukono ogw'amaanyi.
20 Nange ndigolola omukono gwange, ne nkuba Misiri n'amagero gange gonna ge ndikola wakati waayo: oluvannyuma lwago balagira.

Okuva 4
1 Musa n'addamu n'ayogera nti Naye, laba, tebalinzikiriza so tebaliwulira ddoboozi lyange: kubanga balyogera nti Mukama teyakulabikira.
2 Mukama n'amugamba ati Kiki ekiri mu mukono gwo? N'ayogera ati Muggo.
3 N'ayogera nti Gusuule wansi. N'agusuula wansi, ne gufuuka omusota: Musa n'adduka mu maaso gaagwo.
4 Mukama n'agamba Musa nti Golola omukono gwo, ogukwate akawuuwo: (n'agolola omukono gwe, n'agukwata, ne gufuuka omuggo mu mukono gwe:)
5 Balyoke bakkirize nti Mukama Katonda wa bajjajja baabwe, Katonda wa Ibulayimu, Katonda wa Isaaka, era Katonda wa Yakobo, nti akulabikidde.
10 Musa n'agamba Mukama nti Ai Mukama, nze siri muntu wa bigambo okuva ddi na ddi, newakubadde okuva lw'oyogedde n'omuddu wo: kubanga soogera mangu, n'olulimi, lwange luzito.
11 Mukama n'amugamba nti Ani eyakola akamwa; k'omuntu? Oba ani akola kasiru oba omuzibe w'amatu oba atunula oba muzibe w'amaaso? Si nze Mukama?
12 Kale, kaakano genda, nange ndibeera wamu n'akamwa ko, ndikuyigiriza by'olyogera.
13 N'ayogera nti Ai Mukama, tuma nno, nkwegayiridde, mu mukono gw'oyo gw'oyagala okutuma.
14 Obusungu bwa Mukama ne bubuubuukira Musa, n'ayogera nti Alooni Omuleevi muganda wo taliiwo? Mmanyi nti ayinza okwogera obulungi. Era, laba, ajja okukusisinkana: bw'alikulaba, alisanyuka mu mutima gwe.
15 Naawe olimugamba, era oliteeka ebigambo mu kamwa ke: nange ndibeera wamu n'akamwa ko, n'akamwa ke, ndibayigiriza bye mulikola.
16 Naye alibeera mutegeeza wo eri abantu: awo alikubeerera kamwa, naawe olimubeerera nga Katonda.
17 Naawe olitwala omuggo guno mu mukono gwo, gw'olikoza obubonero.

## 12. Okuva from Egypt
**Okuva 5, 7-12**

Okuva 5
1 Awo oluvannyuma ne bajja Musa ne Alooni ne bagamba Falaawo nti Bw'ati bw'ayogera Mukama, Katonda wa Isiraeri, nti Leka abantu bange bankolere embaga mu ddungu.
2 Falaawo n'ayogera nti Mukama ye ani, mmuwulire eddoboozi lye okuleka Isiraeri? Simanyi nze Mukama, era nate sirireka Isiraeri.

Okuva 7
10 Musa ne Alooni nebayingira ewa Falaawo, ne bakola bwe batyo nga Mukama, bweyalagira: Aloni n’asuula omuggo gwe wansi mu maaso go Falaawo no mu maso g’abaddube, ne guba omusota.
11 Falaawo naye nalyoka ayita abagezi n’abalogo: era nabo abasawo Abamisiri nebakola bwe batya n’amagezi gaabwe ag’ekyama. 12 Kubanga basuula buli muntu omuggo gwe negiba emisota naye omuggo gwa Alooni negumira emiggo gyabwe. 13 Falaawo omutima gwe negukakanyala, natabawulira; nga Mukama bweyayogera. 14 Mukama managamba Mnsa nti Falaawo omutima gwe guzitowa, agana okubaleka abantu, 15 Ogenda eri Falaawo enkya; laba, afuluma okugenda ku mugga; naawe oliyimirira ku mabbali g’omugga okumusisiukana; n’omuggo ogwafuuka omusota oligutwala mu mukono gwo. 20 Musa ne Alooni ne bakola bwe batyo nga Mukama bweyalagira; n’ayimusa omuggo, n’akuba amazzi agali mu migga, ma maaso ga Falaawo ne mu maaso g’abaddu be amazzi gonna agali ma mugga negafuuka omusaayi. 21 N’eby’omu muagga ne bifa; omugga ne guwunya. Abamisiri ne batayinza kunywa amazzi mu mugga; omusaayi ne gubeera mu nsi yonna ey’e Misiri. 22 Ne bakola bwe batyo abasawo Abamisiri mu magezi gaabwe ag’ekyama; Falaawo omutima gwe ne gukakanyala, natabawulira; nga Mukama bweyayogera.

Okuva 8
1 Mukama n’agamba Musa nti yingira eri Falaawo, omugambe nti Bw’atyo Mukama bwayogera nti Leka abantu bange, bampeereze. 2 Era bw’onoogaana ggwe okubaleka, laba, ndikuba ensalo zo zonna n’ebikere. 6 Alooni n’agolola omukano gwe ku mazzi g'e Misiri; ebikere ne birinnya ne bisaanikira ensi ey'e Misiri. 7 N'abasawo ne bakola bwe batyo n'amagezi gaabwe ag'ekyama, ne balinnyisa ebikere ku nsi y'e Misiri. 8 Falaawo n'alyoka abayita Musa ne Alooni, n'ayogera nti Musabe Mukama anziyeko ebikere nze n'abantu bange: nange naabaleka abantu, baweeyo saddaaka eri Mukama. 12 Musa ne Alooni ne bava eri Falaawo: Musa n'akaabira Mukama ku Iw'ebikere bye yamuleetera Falaawo. 13 Mukama n'akola ng'ekigambo kya Musa: ebikere ne bifiira mu nnyumba, mu mpya, ne mu nsuku, 14 Ne babikuŋŋaanya entuumo n'entuuma: ensi n'ewunya. 15 Naye Falaawo bwe yalaba ng'ebbanga weeriri ery'okuwummuliramu, n'akakanyaza omutima gwe n'atabawulira; nga Mukama bwe yayogera.

16 Mukama n'agamba Musa nti Gamba AIooni nti Golola omuggo gwo okube enfuufu y'ensi, ebe ensekere mu nsi yonna ey’e Misiri. 17 Ne bakola bwe batyo; Alooni n'agolola omukono gwe n'omuggo n’akuba enfuufu y’ensi, ne waba ensekere ku muntu ne ku nsolo; enfuufu yonna ey'ensi n'eba ensekere mu nsi yonna ey'e Misiri. 18 N'abasawo ne bakola bwe batyo n'amagezi gaabwe ag'ekyama balyoke baleete ensekere, naye ne batayinza; ne waba ensekere ku muntu ne ku nsolo. 19 Abasawo ne balyoka bagamba Falaawo nti Eno ye ngalo ya Katonda: Falaawo n'akakanyala omutima gwe, n'atabawulira; nga Mukama bwe yayogera.

Okuva 11
1 Mukama n'amugamba Musa nti Ekibonoobono kimu nate kye ndimuleetera Falaawo ne Misiri; oluvannyuma alibaleka okuvaamu: bw'alibaleka, mazima alibagobera ddala muno. 4 Musa n'ayogera nti Bw'atyo Mukama bw'ayogera nti Nga mu ttumbi ndifuluma wakati w'e Misiri: 5 n'ababereberye bonna ab'omu nsi ey'e Misiri balifa, okuva ku mubereberye wa Falaawo atuula ku ntebe ey'obwakabaka okutuuka ku mubereberye w'omuzaana ali ennyuma w'olubengo; n'ebibereberye byonna eby'ebisibo.
6 Era walibeera okukaaba okungi mu nsi yonna ey'e Misiri, okutabangawo newakubadde tekulibaawo nate nga kuno.
7 Naye ku omu mu baana ba Isiraeri embwa terimuwagalako lulimi, ku muntu newakubadde ensolo : mulyoke mumanye Mukama bw'ayawula wakati w'Abamisiri ne Isiraeri.
8 Era abaddu bo bano bonna baliserengeta gye ndi balivuunamira nze, nga boogera nti Genda n'abantu bo bonna abakugoberera: oluvannyuma ndigenda. N'ava eri Falaawo n'obusungu bungi.

Okuva 12

21 Musa n'alyoka abayita abakadde bonna aba Isiraeri, n'abagamba nti Mulonde mwetwalire abaana
b'endiga ng'ennyumba zammwe bwe ziri, mutte okuyitako.    22 Nammwe mulitwala omuvumbo gwa
ezobu ne munnyika mu musaayi ogw'omu kibya, ne mumansulira ku kabuno n'emifuubeeto gyombi
n'omusaayi ogw'omu kibya; temufuluma omuntu yenna mu mulyango ogw'ennyumba ye okutuusa enkya.
23 Kubanga Mukama aliyita okukuba Abamisiri; awo bw'aliraba omusaayi ku kabuno ne ku mifuu beeto
gyombi, Mukama aliyita ku mulyango, so talireka muzikiriza okuyingira mu nnyumba zammwe
okubakuba.  29 Awo olwatuuka mu ttumbi Mukama n'akuba abaana ababereberye bonna ab'omu nsi ey'e
Misiri, okuva ku mubereberye wa Falaawo eyatuula ku ntebe ey'obwakabaka, okutuuka ku mubereberye
ow'omusibe eyali mu kkomera; n'embereberye zonna ez'ebisibo.  30 Falaawo n'agolokoka ekiro, ye
n'abaddu be bonna n'Abamisiri bonna; ne waba okukaaba okunene mu Misiri; kubanga tewaali nnyumba
etaafaamu muntu.  31 N'abayita Musa ne Alooni ekiro, n'ayogera nti Mugolokoke muve mu bantu bange,
mmwe era n'abaana ba Isiraeri; mugende, mumuweereze Mukama nga bwe mwayogera   32 Mutwale
endiga era n'ente zammwe, nga bwe mwayogera, mugende; mumpe omukisa nange.   33 N'Abamisiri ne
babakubiriza abantu, okubanguyiriza okuva mu nsi; kubanga baayogera nti Tufudde fenna.   34 Abantu ne
batwala obutta bwabwe nga tebunnaba kuzimbulukusibwa, ebibbo byabwe eby'okugoyeramu nga
bisibiddwa mu ngoye zaabwe ku bibegabega byabwe.   35 Abaana ba Isiraeri ne bakola ng'ekigambo kya
Musa; ne basaba Abamisiri ebintu ebya ffeeza n'ebintu ebya zaabu, n'engoye:    36 Mukama n'abawa abantu
okwagalibwa mu maaso g'Abamisiri, ne babawa bye baasaba. Ne banyaga Abamisiri.

## 13. Red Sea Deliverance

**Okuva 14-15**

5 Ne bamugamba kabaka w'e Misiri nti Abantu badduse: omutima gwa Falaawo n'ogw'abaddu be ne
gukyukira ku bantu, ne boogera nti Kiki kino kye tukoze, okuleka Isiraeri obutatuweereza?
6 N'ateekateeka eggaali lye, n'atwala abantu be wamu naye:    7 n'atwala amagaali lukaaga amalonde,
n'amagaali gonna ag'e Misiri, n'abaami okubeera ku go gonna.    8 Mukama n'akakanyaza omutima gwa
Falaawo kabaka We Misiri, n'agoberera abaana ba Isiraeri: kubanga abaana ba Isiraeri baafuluma
n'okwewaana.

10 Falaawo bwe yasembera, abaana ba Isiraeri ne bayimusa amaaso gaabwe, laba, Abaimisiri nga
babagoberera ennyuxria lwaabwe: ne batya nnyo: abaana ba Isiraeri ne bakaabira Mukama.   11 Ne
bagamba Musa nti Kubanga tewali ntaana mu Misiri kyovudde otuleeta tufiire mu ddungu? Kiki
ekikutukozezza bw'oti, okutuggya mu Misiri? 12 Kino si ky'ekigambo kye twakugambira mu Misiri, nga
twogera nti Tuleke tuweereze Abamisiri? Kubanga kirungi okubaweereza Abamisiri okusinga okufiira mu
ddungu.

13 Musa n'abagamba abantu nti Temutya, muyimirire buyimirizi, mulyoke mulabe obulokozi bwa Mukama
bw'anaabakolera leero : kubanga Abamisiri be mulabye leero, temulibalaba nate emirembe gyonna. 14
Mukama anaabalwanirira, nammwe munaasirika.

15 Mukama n'agamba Musa nti Kiki ekikunkaabizza? Bagambe abaana ba Isiraeri bagende mu maaso.
16 Era yimusa omuggo gwo, ogolole omukono gwo ku nnyanja, ogyawulemu: n'abaana ba Isiraeri
banaagenda wakati w'ennyanja ku lukalu.    18 Abamisiri balimanya nga nze Mukama bwe ndimala
okwefunira ekitiibwa ku Falaawo, ku magaali ge, ne ku bantu be abeebagala.

19 Malayika wa Katonda, eyakulembera eggye lya Isiraeri, n'avaayo n'adda ennyuma waabwe; empagi
ey'ekire n'eva mu maaso gaabwe, n'eyimirira ennyuma waabwe;
20 n'ejja n'ebeera wakati w'eggye ly'e Misiri n'eggye lya Isiraeri; ne waba ekire n'ekizikiza, naye n'ereeta
omusana ekiro : abo ne batabasemberera bali ekiro kyonna.

21 Musa n'agolola omukono gwe ku nnyanja; Mukama n'asindika ennyanja n'omuyaga ogw'amaanyi
ogw'ebuvanjuba obudde okukya, ennyanja n'agifuula olukalu, amazzi ne geeyawulamu.    22 Abaana ba
Isiraeri ne bayingira wakati w'ennyanja ku lukalu: amazzi ne gababeerera ekisenge ku mukono ogwa ddyo
ne ku gwa kkono.

23 Abamisiri ne bagoberera, ne bayingira ennyuma waabwe wakati w'ennyanja, embalaasi zonna eza
Falaawo, amagaali ge, n'abautu be abeebagala.   24 Awo olwatuuka mu kisisimuka eky'enkya Mukama
n'atunuulira eggye ery'Abamisiri mu mpagi ey'omuliro n'ekire, ne yeeraliikiriza eggye ery'Abamisiri.  25
N'aggyako bannamuziga ab'amagaali gaabwe, ne bagagoba nga gazitowa: Abamisiri ne boogera nti
Tudduke mu maaso ga Isiraeri; kubanga Mukama abalwanirira ku Bamisiri.

26 Mukama n'agamba Musa nti Golola omukono gwo ku nnyanja, amazzi gadde ku Bamisiri, ku magaali
gaabwe ne ku beebagazi baabwe.    27 Musa n'agolola omukono gwe ku nnyanja, ennyanja n'edda mu
maanyi gaayo nga bukedde; Abamisiri ne bagidduka; Mukama Abamisiri n'abakunkumulira wakati mu
nnyanja.    28 Amazzi ne gadda, ne gasaanikira amagaali, n'abeebagazi, era n'eggye lya Falaawo lyonna
abaavingira mu nnyanja ennyuma waabwe; tewaasigala n'omu mu bo.
29 Naye abaana ba Isiraeri ne batambula ku lukalu wakati mu nnyanja; amazzi ne gababeerera ekisenge ku
mukono ogwa ddyo, n'ogwa kkono.    30 Bw'atyo Mukama n'alokola Isiraeri ku lunaku luli mu mukono
gw'Abamisiri; Isiraeri ne balaba Abamisiri nga bafudde ku mabbali g'ennyanja.   31 Isiraeri ne balaba
omulimu omunene Mukama gwe yakola Abamisiri, abantu ne bamutya Mukama; ne bamukkiriza Mukama
n'omuddu we Musa.

Okuva 15
1 Musa n'abaana ba Isiraeri ne balyoka bamuyimbira Mukama oluyimba luno ne boogera nti Ndimuyimbira Mukama, kubanga yawangulidde ddala: Embalaasi n'omwebagazi waayo yabisudde mu nnyanga.
2 Mukama ge maanyi gange, era lwe luyimba lwange, Anfuukidde obulokozi bwange: Ono ye Katonda wange, nange ndimutendereza; Ye Katonda wa kitange, nange ndimugulumiza.
3 Mukama ye muzira okulwana: Mukama lye linnya lye,
4 Amagaali ga Falaawo n'eggye lye yabisudde mu nnyanja: N'abakungu be be yalonda basaanyeewo mu Nnyanja Emmyufu.

## 14. The Ten Commandments/Golden Calf

**Okuva 24, 32**

Okuva 24
12 Akubanga omuntu okumutta, talemanga kuttibwa. 15 Akubanga kitaawe oba nnyina, talemanga
kuttibwa.    16 Abbanga omuntu n'amutunda, Abbanga omuntu n'amutunda, oba bw'alabikanga mu
mulcono gwe, talemanga kuttibwa.   17 Akolimiranga kitaawe oba nnyina, talemanga kuttibwa.   18 Era
abantu bwe balwananga, omuntu omu n'akuba munne ejjinja oba kikonde, n'atafa naye n'amala
agalamizibwa ku kitanda:

Okuva 32
Awo abantu bwe baalaba nga Musa aludde okukka okuva ku lusozi, ne bakuŋŋaana eri Alooni, ne
bamugamba nti Golokoka, otukolere bakatonda, abanaatukulemberanga; kubanga Musa oyo, ye yatuggya
mu nsi y'e Misiri, tetumanyi ky'abadde.   2 Alooni n'abagamba nti Mumenye ku mpeta eza zaabu, eziri mu
matu g'abakazi bammwe, n'ag'abaana bammwe ab'obulenzi n'ab'obuwala, muzindeetere.  3 Abantu bonna
ne bamenya ku mpeta eza zaabu ezaali mu matu gaabwe, ne bazireetera Alooni.  4 N'agitoola mu ngalo
zaabwe, n'agiwumba n'ekyuma ekisala, n'agifuula ennyana ensaanuuse: ne boogera nti Bano be bakatonda
bo, ggwe Isiraeri, abaakuggya mu nsi y'e Misiri   5 Alooni bwe yalaba, n'azimba; ekyoto mu maaso gaayo;
Alooni n'alangirira n'ayogera nti Enkya wanaabeera embaga eri Mukama.    6 Ne bagolokoka enkya mu
makya, ne bawaayo ebiweebwayo eby'okwokya, ne baleeta ebiweebwayo olw'emirembe; abantu ne batuula
okulya n'okunywa, ne bagolokoka okuzannya.

7 Mukama n'agamba Musa nti Genda oserengete; kubanga abantu bo be waggya mu nsi y'e Misiri
beeyonoonyesezza:    8 balyamye mangu ne bava mu kkubo lye nnabalagira: beekoledde ennyana
ensaanuuse, ne bagisinza, ne bagiwa ssaddaaka, ne boogera nti Bano be bakatonda bo, ggwe Isiraeri,
abaaku ggya mu nsi y'e Misiri:   9 Mukama n'agamba Musa nti Abantu bano era, laba, be bantu abalina
ensingo enkakanyavu:    10 kale kaakano ndeka, obusungu bwange bwake nnyo ku bo, era mbazikirize: era
ndikufuula ggwe eggwanga eddene.

11 Musa ne yeegayirira Mukama Katonda we, n'ayogera nti Mukama, ldki ekyasizza ennyo obusungu bwo
ku bantu bo, be waggya mu nsi y'e Misiri n'amaanyi amangi n'omukono ogw'obuyinza?   12 Lwaki

okwogeza Abamisiri nti Yabaggiramu obubi, okubattira ku nsozi, n'okubazikiriza okuva ku maaso g'ensi?
Oleke obusungu bwo obukambwe, ojjulukuke oleke obubi obwo eri abantu bo.   13 Ojjukire Ibulayimu,
Isaaka, ne Isiraeri, abaweereza bo, be weerayiririra wekka n'obagamba nti Ndyongera ezzadde lyammwe
ng'emmunyeenye ez'omu ggulu, n'ensi eyo yonna gye njogeddeko ndigiwa ezzadde lyammwe, nabo
baligisikira emirembe gyonna.   14 Mukama n'ajjulukuka n'aleka obubi bw'abadde ayogedde okubakola
abantu be.

15 Musa n'akyuka, n'aserengeta okuva ku lusozi, ng'alina ebipande bibiri eby'obujulirwa mu ngalo ze;
ebipande ebyawandiikibwako ku njuyi zaabyo zombi; byawandiikibwako eruuyi n'eruuyi.    16 N'ebipande
byali mulimu gwa Katonda, n'okuwandiika kwali kuwandiika kwa Katonda, okwayolebwa ku bipande.    19
Awo olwaruuka bwe yasemberera olusiisira, n'alyoka alaba ennyana n'abazina: obusungu bwa Musa ne
bwaka nnyo, n'akasuka ebipande mu ngalo ze, n'abimenyera wansi w'olusozi,    20 N'atwala ennyana gye
baali bakoze, n'agyokya n'omuliro, n'agisekulasekula, n'agimansira ku mazzi, n'aganywesaako abaana ba
Isiraeri.    21 Musa n'agamba Alooni nti Abantu bano baakukola ki, ggwe n'okuleeta n'obaleetako
okwonoona okunene?

22 Alooni n'ayogera nti Obusungu bwa mukama wange buleme okubuubuuka ennyo: gw'omanyi abantu
bano, nga bagobererera ddala obubi.   23 Kubanga baŋŋamba nti Tukolere bakatonda,
abanaatukulemberanga: kubanga Musa oyo, ye yatuggya mu nsi y'e Misiri, tetumanyi ky'abadde.    24 Ne
mbagamba nti Buli alina zaabu yonna yonna, bagimenyeko; awo ne bagimpa: ne ngiteeka mu muliro,
n'ennyana eno n'evaamu.    25 Awo Musa bwe yalaba ng'abantu bajeemye; kubanga Alooni yabajeemya
okusekererwa abalabe baabwe:   26 Musa n'alyoka ayimirira mu wankaaki w'olusiisira, n'ayogera nti Buli
muntu ali ku lwa Mukama, ajje gye ndi. Abaana bonna aba Leevi ne bakuŋŋaana gy'ali.   27 N'abagamba
nti Bw'ati bw'ayogera Mukama, Katonda wa Isiraeri, nti Muteeke buli muntu ekitala kye ku kisambi kye,
muddiiŋŋane mu miryango gyonna mu lusiisira lwonna, mutte buli muntu muganda we, na buli muntu
munne, na buli muntu muliraanwa we.   28 Abaana ba Leevi ne bakola ng'ekigambo kya Musa: ne bafa ku
bantu ku lunaku luli abasajja nga nkumi ssatu.

30 Awo olwatuuka enkya Musa n'agamba abantu nti Mwayonoonye ekyonoono ekinene: ne kaakano
naalinnya eri Mukama; mpozzi naakola ekinaatangirira olw'ekyonoono kyammwe.   31 Musa n'addayo eri
Mukama, n'ayogera nti Woo, abantu abo bayonoonye ekyonoono ekinene, ne beekolera bakatonda aba
zaabu.   32 Naye kaakano, bw'onoosonyiwa ekyonoono kyabwe; naye bw'otoobasonyiwe, onsangule nze,
nkwegayiridde, mu kitabo kyo kye wawandiika.    33 Mukama n'agamba Musa nti Buli eyannyonoonye
nze, oyo gwe nnaasangula mu kitabo kyange.    34 Ne kaakano genda, otwale abantu mu kifo kye
nnakugambako: laba, malayika wange anaakukulemberanga: era naye ku lunaku luli lwe ndiwalana,
ndibawalanako ekibi kyabwe.   35 Mukama n'abonyaabonya abantu, kubanga baakola ennyana, Alooni gye
yakola.